

**335/1**  
**LUGANDA**  
**Paper 1**  
**2024**  
2 hours



**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**  
**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olusooka**  
Okuwandiika emboozi n'okukyusa

**Essaawa bbiri**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu **bibiri: A ne B.***

*Lilimu ebibuuzo **bisatu.***

*Mu Kitundu **A** mulimu nnamba bbiri, kolako **emu:1(a)** oba **(b).***

*Mu kitundu **B** mulimu ennamba emu era ya **buwaze.***

*Ddamu ebibuuzo bibiri awamu.*

*Ebibuuzo ebissuka mu by'olagiddwa tebija kukeberwa.*

*Ebyokuddamu biwandiike mu mpapula ezikuweereddwa.*

## **EKITUNDU A**

*Kola 1 (a) oba (b).*

- 1. (a) Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozzi ya bigambo **350-400**.**

Obadde okolera mu katale ne muzaddewo era nga gye muggya ebisale by'essomero, wabula embeera eri mu katale ako nzibu ddala, owulira weenyiyiddwa era toyagala kuddayo kukolerayo! Ebyembi bw'otaddayo kukolerayo, n'ebasale by'essomero tojja kubifuna.

Wandiika ng'onyonnyola muzaddewo ebikutuukako ng'oli mu katale ako ebikutuusizza n'okwenyiwa okuddayo okukolerayo ate ofundikire ng'omulaga engeri endala gye muyinza okufunamu ebisale by'essomero ne bw'onooba tozzeeyo mu katale.

**Oba**

- (b) Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozzi ya bigambo **150-200**.**

Essomero lyammwe Kasozi H/S liri wafunda nnyo, era temulina na kisaawe wakuzannyira kyokka nga mmwe abayizi b'essomero eryo mwagala okuzannya ku mizannya egy'enjawulo musobole okuba n'emibiru emiramu era n'okwogiya obwongo.

Wa abakulu bekikwatako amagezi ge muyinza okukozesa mu ssomero lyammwe erya Kasozi H/S okusobola okutuukiriza ebiruubirirwa byammwe ebyo.

## **EKITUNDU B**

**2.** Obadde osoma amawulire ag'olupapula lw'Olungereza, jjajjaawo n'alabamu ekigambo Buganda naye ebisigadde tabitegedde. Ayagala kumanya amawulire ago kye googedde ku Buganda.

Yamba jjajjaawo asobole okutegeera amawulire g'Olungereza g'obadde osoma.

### **EXTRAVAGANCE IN INTRODUCTION CEREMONIES**

In Buganda, an introduction ceremony that used to be a simple celebration of two families coming together, has slowly turned into a show off. It is now a very expensive function on both the bride and groom's sides. The parents of the bride must prepare for many guests in terms of seats and feeding, take care of decorations and the bride's dressing, making the function very expensive.

Some grooms get bank loans while others solicit for funds from friends to fill the bride's compound with gifts. Are you aware that some grooms even hire items like cars as gifts and later return them to the car bonds! A groom who takes many gifts is praised, while the one who takes few gifts is made fun of and mocked at the function and may even become a news item.

The prime minister of Buganda has criticised such extravagance. He has advised people to cut down on unnecessary expenses and invest in income generating projects so that at the end of the day, people have earnings. He calls upon people to reduce on the number of people escorting the groom and instead turn to the old cultural introduction ceremonies of Buganda.

**335/1**  
**LUGANDA**  
**Paper 1**  
**2024**



**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olusooka**

Okuwandiika emboozi n'okukyusa

***SCORING GUIDE***

## **335/1 Luganda Scoring Guide Sample Paper**

a) Omuyizi awandiike emboozi eyogera ku bintu nga bino:

- Okumuwemula
- Okumukwana
- Okumwesittaza nga bamukwatakwatako
- Okubulwa ssente
- Okukwatibwa endwadde eziva ku bugyama
- Obutafuna kyakulabirako kirungi (bamuwabya)
- Obutafuna budde busoma bitabo
- Okuwulira emboozi z'abakulu
- Okulogebwa

Omuyizi alage engeri endala nga zino wammanga, gye bayinza okufunamu ebisale by'essomero.

- Okusiikira awaka ebyokulya ne bitwalibwa mu maduuka
- Okuluka
- Okufumba ebyokulya nga keeki
- Okupoota
- Okusomba amazzi
- Okulima
- Okufuna edduuka ne bava mu katale
- n'ebirala

b) Omuyizi ayinza okuwandiika ebbaluwa oba okwogera (speech).

Asobola okwogera ku bino:

- Okuzanya emizannyo egizannyirwa awafunda okugeza nga *table tennis, Badminton, chess*, omweso n'ebirala.
- Okwenyigira mu misinde gimubunabyalo.
- Okuzannyira mu mpalo. (buli kibiina)
- Okweyazika ebisaawe byokumuliraano.
- Okuleeta oba okuyiiya engeri ezenjawulo abaana okubeera nga baliko kye bakola.
- Okulambula
- Okunoonyereza
- Okubateerawo entimbe z'okulabirako emizannyo.
- Okuzanya katemba ko n'okuzina amazina ag'enjawulo.
- Nebirala

S/N	Eby'okugolola	Obubonero
1	Endabika y'ekiwandiiko. <ul style="list-style-type: none"> <li>• Omutwe</li> <li>• Enyanjula</li> <li>• Enzimba</li> <li>• Enkomenkereza</li> </ul>	04
2	Obubaka obutuukana n'omulamwa. (message/relevance)	08
3	Olulimi <ul style="list-style-type: none"> <li>• Gulaama</li> <li>• Ebiseera(tenses)</li> <li>• <i>Punctuation</i></li> <li>• Ensengeka</li> <li>• <i>Orthograph</i></li> </ul>	08

2. Omuyizi asome ekitundu akikyuse mu Luganda okufaananko nga kino:

Okwejalabya mu mikolo gy'okwanjula.

Mu Buganda, omukolo gw'okwanjula ogwabeeranga omwangungu era ogwagendereranga okugatta ab'omu maka abiri awamu, gugenze gukyuka mpola ne gufuuka ogw'okweraga obwerazi. Kati mukolo gwa bbeeyi ku ludda lw'omugole omukazi ate ne ku ludda lw'omusajja. Abazadde b'omuwala bateekwa okwetegekera abagenyi abayitirivu, nga bategeka ebyokulya, awookutuula, okutimba ate era n'okwambaza omugole, nga bino byonna bifuula omukolo ogw'ebbeeyi.

Waliwo n'abasajja abeewola ensimbi mu bbanka nga kw'otadde n'okusonda mu mikwano gyabwe ensimbi mbu basobole okuddugaza oluggyia lw'aboomuwala n'ebirabo ebingi. Obadde okimanyi nti waliyo n'abasajja abeeyazika ebirabo nga emmotoka mu bakitunzi baazo olw'okwagala okweraga era olumaliriza emikolo ne babinonayo ew'aboomuwala ne babizzaayo! Ennaku zino, omusajja atwala ebirabo ebingi asanyukirwa nnyo naye oyo atwala ebitono anyoomebwa, n'ajeregebwaa n'oluusi afuuliibwa ggulire.

Katikkiro wa Buganda avumirira okwejalabya. Awa abantu amagezi okukendeeza ku nsasaanya etaliimu makulu era n'abawa ga bwereere basige ensimbi mu bintu ebivaamu amagoba. Akubiriza abantu okukendeeza ku bungi bw'abantu abawerekera omusajja ayanjulwa era n'abasaba okudda ku ntegeka y'omukolo gw'okwanjula ogw'ennono mu Buganda.  
Ebyokugoberera mu kugolola.

Okukyusa (Translation)

S/N	Engeri y'ebiddiddwamu (Response details)	Obubonero
1	<p>Obubaka (Referential meaning) = (Obubonero 06)</p> <p>Engabanya yaabwo:</p> <p>Ekiba ekisooka</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Aggyeeyo obubaka bwonna</li> <li>• Alesseeyo obubaka obumu</li> <li>• Taggyeyo bubaka n'akamu</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Akabonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul>
	<p>Ekiba ekyukubiri:</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Aggyeeyo obubaka bwonna</li> <li>• Aleseeyo obubaka obumu</li> <li>• Taggyeyo bubaka n'akamu</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Akabonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul>
	<p>Ekiba ekyokusatu:</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Aggyeeyo obubaka bwonna</li> <li>• Aleseeyo obubaka obumu</li> <li>• Taggyeyo bubaka n'akamu</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Obubonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul>
2	<p>Olulimi n'entegeka yaalwo mu kitundu ekikyuse (organisational meaning)</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Akozesa olulimi (grammar and spelling) mu butuufu bwalwo</li> <li>• Awamu akozesenzaako bibiri byokka mu butuufu</li> <li>• Awamu akozesenzaako kimu kyokka mu butuufu</li> <li>• Alemereddwa okukoza olulimi mu butuufu bwalwo.</li> </ul> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Akozeseza ebigambo ebituukira ku kyogerwako (terminologies)</li> <li>• Awamu ebigambo ebituukira ku kyogerwako tabikozesezza</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 03</li> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Akabonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Akabonero 01</li> </ul>
3	<p>Embeera y'ekikyuse (situational meaning)</p> <p>Obutuukirivu bw'embeera ekikyuse gye kirimu; okugeza bye kyogerako, abantu abalimu, emyaka gyabwe/obukulu bwabwe, obuvunaanyizibwa, ebyobuwangwa bye kyoleka.</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Aggyeyo bulungi embeera</li> <li>• Awamu embeera tagiggyeyo ddala</li> <li>• Embera teviriddeyo ddala</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Obubonero 02</li> <li>• Akabonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul>
4	<p>Ensengeka (coherence)</p> <p>Ehiba byonna bitwalire wamu.</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Asengese bulungi ebiba byonna</li> <li>• Asengese nga abitabuddetabudde</li> </ul>	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Akabonero 01</li> <li>• Akabonero 00</li> </ul>

SAMPLE

**335/2**  
**LUGANDA**  
**Paper 2**  
**2024**  
**2<sup>1</sup>/<sub>2</sub> hours**



**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**  
**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olwokubiri**  
Okusoma bwino, okufunza n'ebiyobuwangwa

Essaawa bbiri n'ekitundu

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu **bisatu: A, B ne C.***

*Awamu mulimu ebibuuzo **bina.***

*Ebitundu **A ne B byabuwaze.***

*Mu kitundu **C** mulimu nnamba **bbiri.** Kolako nnamba **3 oba 4.***

*Ddamu ebibuuzo **bisatu** awamu.*

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa.*

*Ebyokuddamu biwandiike mu mpapula ezikuweereddwa.*

## **EKITUNDU A**

1. *Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.*

“Omulimu guno si mwangu kuba be tukolera tebasiima ate batulaba nga abayaaye, olw’ensonga nti abamu ku bannaffe enneeyisa yaabwe mbi nnyo. Ye nsonga eyaviirako omu ku baminista okwagala tukeberebwem emitwe.” Ebyo bye bigambo Lusiba bye yayogera nga tumaze okukkiriziganya ku busimooni njamba ensimbi ze yali antwalira ssaako n’okunnamusaako obulungi. Twagenda tunyumya, okuva we natuulira ku manyoole we oba tugiyite boodabooda ye. Namubuuza oba naye yamala kutunda ttaka okugigula ko ye nedda. Awo kwe kumubuuza ekyamuleetera okwagala omulimu guno, kuba yandaga nti yali yasoma n’afuna ebbaluwa mu byamazzi(plumbing). Yanziramu nga yenna musanyufu nnyo nti, “Newankubadde musangibwamu ebizibu bingi nga: obutaba kyangu kufuna ppamiti, okutukuba obuyondo, okuzibba ssaako okuzibowa ne zitwalibwa ku poliisi ne zivundirayo, seevuma mulimu guno kuba we nsula sikonkonwa. Nsobodde okuweerera abaana era n’omu anaatera okumaliriza obusawo mu University e Makerere mwavangamu, bw’anaamala nja kukuyita ku kabaga ke.”

Emboozi bwe yatuuka wano ate n’eyongera okunkwata omugamba, ne mmubuuza engeri gy’asobodde kino. Yantegeeza nti, ekintu ekisookera ddala, mu bulamu teri mulimu mubi; kasita tonyooma mulimu ogufunamu. Okwesiga Katonda kikulu nnyo, kuba y’atuwanguza mu buli kimu. Yeeyongera n’antegeeza nti ewuwe buli ku makya bona bakeera kusinza na kusaba Katonda abatangire enkwe z’omulabe sitaani. Kino kimukoledde era kati emyaka abiri (20) be ddu nga tafuna kabende. Oburonjo yabusbako amannya era okumutunuulira ng’ekikooti kye kitukula bulungi, era nga tavaamu lusu lwonna lukosa nnyindo zange. Lusiba yaajjaamba nti yasooka kukozesebwa, era olw’okuba omukozi ssaako n’amazima, eri mukamaawe, kyamusobozesa okugula ppikippiki eyiye mu myezi mukaaga gyokka. Okuva olwo teyadda mabega. Awo we nnamubuuliza nti; “Naye okutwalira awamu ofuna ssente mmeka olunaku?” Yanziramu nti, “Olunaku bwe lugenda obulungi, n’emitwalo omukaaga ngikola”. Yeeyongera nantegeeza nti buli lunaku atereka emitwalo esatu (Shs30,000). Yannyumiza omusajja gwe yavugako olumu. Mbu omusajja yamusanga anaatera okunnyuka. Yajja n’ensawo n’agimukwasa naye bwe yamutuusa ewuwe yasitula bye yali akutte n’ayingira ennyumba ye. Ensawo n’agyerabira ku manyoole kuba yali agitadde mu maaso. Bwe yatuuka ewaka kwe kulaba ensawo y’omusaabaze. Ekiro ekyo yavuga n’agizzaayo mu bulumi naye ate ekikolwa ekyo kyamuwa essanyu. Bwe yagituusa n’agimuwa, omusajja yasanyuka era bwe yakebera ng’ebiri mu nsawo tebikwatiddwako yamwebaza era ekirabo yamuwa ppikippiki empya; bw’atyo n’aweza ppikippiki bbiri. Oluvannyuma yantegeezewa nti ensawo gye yaddiza omusaabaze yalimu obukadde obusoba mu makumi ana.

Bwe namubuuza engeri gye yeewalamu ebikemo by’okudigida, Lusiba yaseka nnyo, oluvannyuma nantegeeza nti, omuvuzi wa Booda atafuga mubiri gwe akomekkereza afunye ebirwadde oba obutakulaakulana anti ensimbi aba azimalira

mu kukyakala. Yayongerako nti banne bangi be yali aziise nga bafudde mukenenya ate ng'ababa babasiize bamu ku basaabaze baabwe. Mbu bangi balinnya ppikippiki zaabwe ekiro n'ebigendererwa ebibi. "Anti olutuula n'akukwata mu kiwato n'akuvumbagira be vvu, ng'eno bw'akukulukuunyaako amabeere ge, gye biggweera ng'owanyisiganyizibba mu birowoozo. Bw'otaba mugumu ssente z 'okoze olunaku olwo ozimalira mu bwenz!"

Yanjamba nti, "Okusobola okufuna obulungi mu mulimu guno, oteekwa okuba ng'olinawo ku ssente enkalu; kuba waliwo kasitoma ayinza okukukubira essimu ng'ayagala omugulire ebintu ebitali bimu, obimutwalire eka bw'annyuka akawungeezi awo n'alyoka akusasula. Abo nno mbafunamu ssente nnyingi kuba olumu batuwa n'akasiimo." Yeeyongera n'antegeeza nti, aliko abantu b'avugira omwezi era nga bamusasula ku nkomerero ya mwezi, naddala abo abalina abaana abato abasoma. Kino yagamba nti kyetaaga obuguminkiriza bungi naye nga kisasula. Anti buli luvannyuma lwa mwezi yali akujjaanya emitwalo amakumi ana be ddu! Nti lwakuba era waliwo abatamusasula era abo ayawukanye bubi nabo.

Wabula yantegeeza nti abagoba abeetaba mu kwekalakaasa bangi ppikippiki zaabwe baziboye; abategendereza ku nguudo, ebinnya bibakuba ebigwo n'okwonoona ppikippiki zaabwe; oba okusibwa mu makomera nga ery'e Kitalya olw'obutaba na bisaanyizo. Bwe nnatuuka we nviirako nakwata mu ndyanga ne mmusasula era ne mmwebaza okunvuga obulungi. Sisabangako mugoba wa boodabooda nnamba ya ssimu naye, Lusiba nnagimusaba era yansuubiza okumpita ng'omwana we atikkiddwa diguli y'obusawo. Ne gye buli eno Lusiba y'anvuga era enkolagana yaffe yava mu mukwano kati twafuuka baaluganda.

### Ebibuuzo:

- (a) Oluvanyuma lw'okusoma ekitundu kino nyonyola mukaddewo abadde avumirira omulimu gwa boodabooda ebintu ebyenjawulo **bina (4)** ebyoleka nti ddala omulimu ogwo si mubi.
- (b) Mukwano gwo yasikira ettaka, kaakano anoonya baligula afune ssente agule boodabooda. Nga weeyambisa emboozi ya Lusiba, mulage engeri **mukaaga (6)** z'ayinza okuyitamu okutuukiriza ekirooto kye nga teyeggyeeko bya busika.
- (c) Gwe okulira ebyentambula mu ggwanga, weeyambise ekitundu kino olage engeri **mukaaga (6)** z'oynza okuyitamu okutebenkeza omulimu gwa Balusiba.
- (d) Gwe ng'omusaabaze atambulira ku boodabooda, sinziira ku kitundu ky'osomye onyonnyole ensonga **nnya (4)** kw'onoosinziira okusaba owa boodabooda atera okukutwalako ennamba y'essimu ye.

## EKITUNDU B

2. *Weefuule omuzadde mu maka, weeyambise ekitundu kino wammanga, ofunze mu bigambo nga 100 ebyo by'ogenda okubuulira abaana bo engeri y'okukuumamu obuyonjo awaka wammwe.*

Wali okigenderedde nti obuyonjo obwo mu nju ssekinnoomu ne mu bifo mwe tubeera bintu bikulu nnyo mu kutuwa obulamu n'obuwangaazi ?

Nga tukyali bato, bwe wazuukukanga, abakulu nga bakunaaza mu maaso bakuggyamu obujonjo n'olumu engeregeze ku mimwa n'amatama. Bino omuntumulamu tasaana kuba nabyo, anti byandireeta endwadde z'otamanyi. Kyokka n'osanga omuntu omukulu ng'azze mu bantu n'obujonjo mu maaso.

Bannange okwoza mu kamwa oba okusenya amannya agalya buli kafankunaaye wabintu nakyo kikulu. Wabula n'osanga oli owaakamwa ke akaalya jjo n'atakalongoosa ne leero n'akaliisa ebirala n'olundi bwatyo n'asembera akukube akaama ng'aliko kyakutgeeza n'ofa ennaku !

Mwana ggwe omuwala oba owoobulenzi, n'omala ennaku zo nga ziizo nga teweeyiyeeko gano ag'emugga kuba empewo nnyingi ate n'enkuba etonnya obutakya, akasana ne kakwakako lwe kazze wenna n'ocuumuka ng'akafumbe. Gundi bambi weddeko.

Okwoza engoye n'ebintu bye tukozesa mu bulamu bwaffe kintu kikulu. Wabula n'osanga abaana abasomera mu masomero ag'ebisulo ng'essowaani kw'aliira teraba ku tuzzi; agisiimula na bipapula. Bwe gutuuka ku tawulo oba essuuka mw'asula, tebiraba ku tuzzi okuva lw'ayingira essomero okutuuka lw'aliwummula adde eka.

Nze nneewuunya abantu abatalina bifo bikyamirwamu obubi ne babumansa nga nte. Emmanju we basula bwe wabaayo ensiko oba emimwanyi n'olaba ejjano. Kale teebereza enkuba lw'efukumuka oba omusana okweberengula ne wawunya ; eyo eba ekyayitika?

Omuntu n'okuza amaala ne gabanga Nnamulimi! Bannyinaffe abamu kati balina ne ze bakookera ku ngalo mbu banane. Olwo bwe kutuuka okunaaba ? Enviiri sizoogeddeeko, naye saasira omusawo alikwambula ng'ogudde ku kabenge akutunge ekiwundu wonna we kiri!

Awaka ne wazika, omuddo ne gulingiza mu mulyango ne mu madirisa, ddala buba buyonjo oba mpisa ya bugunjufu ? Okwo si kwe kusembeza ebyewalula eby'obulabe gye tuli.

Ebifo mwe tweteewululiza n'okunaabira nabyo bwe bitayonjebwa, byandivaako endwadde. Teebereza kaabuyonjo, omugenda ne bummazeewo okumala ennaku nga teyonjeddwa. Bwo nno olumu ekyoka we kibusimbira we butera okussa ekitereke nga bumanyuuka.

Bwe kiba kinaabiro nga kyagegedde tewandyagadde na mazzi kukyekoonako ate ne gakusammukira.

Bwe kityo nno ne we tukolera, ka bube butale, maduuka oba ofiisi mwe tutuula, bwe tutafaayo kutegekawo mu ngeri nnyonjo watama era n'abantu ne beebalamawo.

Mu kuwumbawumba, tewali kuwannaanya, awatali buyonjo n'obulamu tewaba.

## EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuzo **kimu** ku bikuweereddwa wammanga.*

3. Mutoowo aluddewo okuwasa wabula ye teyefirayo kuba alooza tekyetaagisa! Abantu ku kyalo batandise n'okumugeya! Wandiika ng'onyonnyola ebintu eby'enjawulo ebiyinza okumuwaliriza okuwasa oba ayagala oba tayagala.

### **Oba**

4. Mukwano gwo akubuuzizza ebifa ku bika by'Abaganda. Londayo ekika kimu ky'omanyi osinziire okwo omunyonnyole ebintu ebikulu ebikwata ku kika ekyo.

**335/2**  
**LUGANDA**  
**Paper 2**  
**2024**



**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Paper 2**

Okusoma bwino, okufunza n'ebiyobuwangwa

***SCORING GUIDE***

335/2 (Scoring Guide) Engabanya y'obubonero

1.

S/N	Ebiddibwamu (Response details)	Scores (obubonero)			
		Ensonga	Ekyokulabirako	Obubonero awamu	
a	<p>Ebintu bina ebyoleka nti omulimu ogwo si mubi.</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Omuntu asobola okufuna ensimbi neyezimba nga owa booda.</li> <li>• Omuntu owa booda asobola okulabirira abantu be n'okuweerera abaana be nga Lusiba.</li> <li>• Owa booda afuna emikwano okuva mu bantu b'avuga okugeza Lusiba omukyala gwe yavuga yafuuka mukwano ggwe nnyo.</li> <li>• Owa booda afuna ssente n'atereka nako nga Lusiba bwe yakolanga.</li> </ul>	1 1 1 1	1 1 1 1	2 2 2 2	
b	<p>Omuntu asobola okutuukiriza ekiroto kye eky'okugula boodabooda nga teyeggyeeko byabusika naye n'gakola ebintu nga bino:</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Okubeera omukozi omulungi/enyyo/ atanyooma mirimu, nga Lusiba bwe yewaayo n'akola ogwa booda wadde nga gulimu ebizibu. Oluvannyuma booda eyo n'emuyamba okufuna eyiye.</li> <li>• Okukkiriza okukozesebwa nga Lusiba bwe yeewaayo okubeera omupakasi bwe yali tannafuna booda yiye. N'omulala</li> </ul>	Ensonga  1  1	Ebyokulabirako  1	Nga bwe ki kutuusa ku booda  1  1	Obubonero awamu  3

	<p>bwakola bwatyo asobola okuweebwa oba okwegulira booda mu ssente z'aba akoze.</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Okesiga Katonda nga Lusiba bwe basaba ennyo ewuwe era ne kimuviiramu ebirungi. N'oli bwasaba Katonda amuwa amakubo mw'ayinza okufuna booda oba ebirala.</li> <li>• Okutereka ku ssente oli z'aba akoze mu by'akola; nga Lusiba bwe yaterekanga emitwalo esatu buli lunaku. Ezo bwe ziwera ayagala boda agigula.</li> <li>• Okuba n'amazima ng'okozesebwa nga Lusiba bwe yakola ng'asigazza ensawo y'omusaabaze. Abantu bwe bakwesiga bayinza okuyamba okufuna boodabooda.</li> <li>• Okwogera obulungi ne bakasitoma nga Lusiba bwe yakola ng'avuga omukyala nga banyumya ne baggyamu omukwano omukyala n'amufuula omuvuzi we gw'asasula. Ezo bwe ziwera aba asobola okugulako booda.</li> </ul> <p><b>Okuddamu kw'omuyizi kuteekwa okuwa ensonga, ensonga n'ewerekewako eky'okulabirako oluvannyuma n'alaga ekiragiddwa mu nsong a gye kisobola okuyamba oli</b></p>	1	1	1	3
--	----------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------	---	---	---	---

	<b>okufuna booda (nga teyeggyeko byabusika). Buli nsonga eweerwa ku mitendera esatu.</b>				
c	<p><b>Okuddamu kw'omuyizi kuteekwa okuwa ensonga, ensonga egoberezebwe ekyokulabirako okuva mu mboozi esomeddwa, oluvannyuma efundikirwe ng'omuyizi alaga ekirambikiddwa mu nsonga bwe kiyinza okuyamba mu kulambika omulimu gwa boodabooda.</b></p> <p><b>Buli nsonga ewerwa ku mitendera esatu.</b></p> <p>Omuyizi awe ensonga mukaaga. Buli nsonga aginnyonyola ku mitendera esatu.</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>(i) Okugawa/okugiwandiika</li> <li>(ii) Okugikwanaganya ku biri mboozi y'ekituundu ekisomeddwa.</li> <li>(iii) Okulanga engeri ensonga eweereddwa mu (i) waggulu gyeyinza okukola mu kutebenkeza boodabooda.</li> </ul>	Ensonga	Ekyokulabirako	Engeri y'okutere ezza	Obubonero awamu
d	<p>Omuyizi aleete ensonga nya, nga buli emu agyogerako ku mitendera ebiri. Ensonga zino ziri nnyo ku mpisa za wa boodabooda ali mu mboozi</p> <ul style="list-style-type: none"> <li>(i) Okuwa ensonga</li> <li>(ii) Okuginnyonnyola ng'alaga nga bwereetera omuntu okusaba owa boodabooda akannamba k'essimu ye.</li> </ul>	1×4	1×6	1×6	18

2. Guidelines to scoring summary writing.

S/N	<p><b>1. Obubaka busengekebwe mu kiba kimu. Buno wammanga bwe bubaka obuli mu kiwandiiko.</b></p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Okunaaba mu maaso</li> <li>• Okusenya n'okunaaba mu kamwa</li> <li>• Okunaaba omubiri</li> <li>• Okwoza engoye n'ebintu ebirala bye bakozesa</li> <li>• Okuba ne kaabuyonjo</li> <li>• Okukendeeza nokulongoosa ebitundu by'omubiri ebikulirira</li> <li>• Okulongoosa awaka</li> <li>• Okuyonja ebinaabiro ne kaabuyonjo bye tukozesa</li> <li>• Okulongoosa ebifo mwe tukolera.</li> </ul> <p>Obubaka 7 – 9          Obubaka 4 - 6          Obubaka 1 - 3          Obubaka obutakwatagana</p> <p><b>2. Omutwe.</b></p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Omutwe ogugenderako</li> <li>• Ogutagenderako</li> </ul> <p><b>3. Ensengeka</b></p> <ul style="list-style-type: none"> <li>• Omuyizi awandiise mu kiba kimu.</li> <li>• Awadde emilamwa nga si kiba kimu.</li> <li>• Atazzemu kibuuzo oba awandiise ebitakwatagana na kiwandiiko.</li> </ul>	<p>Obubonero 03          Obubonero 02          Akabonero 01          Obubonero 00</p> <p>Akabonero 01          Obubonero 00</p> <p>Obubonero 02          Akabonero 01          Obubonero 00</p>
-----	-----------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------	-------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------

3. (a) Omuyizzi awandiike ng'anyonnyola emigaso gy'obufumbo.  
 Omuyizi anyonnyole buli mugaso gw'aleeta nga alaga ebirungi byagwo.  
 Buli nsonga ejja kuweerwa ku mitendera ebiri:

- (i) Omugaso
- (ii) Okulaga nga bwe guli ogwomugaso.

S/N	Ebiddibwamu	Omugaso	okunyonnyola	awamu
	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Okuzaala abaana n'oyaza ekika</li> <li>• Okuba n'omubeezi/ okubeeragana</li> <li>• Okufuna ekitiibwa mu bantu</li> <li>• Okukulaakulana</li> <li>• Okukuza abaanaabanaagasa eggwanga</li> <li>• Okukola amaka</li> <li>• Okufuna anaakusikira/obutazaawa</li> <li>• Okutwala omusaayi mu maaso</li> <li>• Okugata ejnjanda</li> <li>• Okuba ekyokulabirako eri abalala.</li> </ul>	1	1	2

Or:

(b) Ebikwata ku kika

S/N	Ebiddibwamu (okugeza nga :Ekika ky'obutiko)	Emitendera gw'ebika	Omutendera nga bwe guli mu kika	Amakulu	Obubonero awamu
	<ul style="list-style-type: none"> <li>• Omukulu w'ekika . Buli kika kibera n' Omukulu w'ekika</li> <li>• Omuziro</li> <li>• Akabbiro</li> <li>• Amannya agatumumibwa</li> </ul>	1	1	1	3
				1	3
				1	3
				1	3

	<ul style="list-style-type: none"><li>• Omubala gw'ekika</li><li>• Emirimu egikolebwa</li><li>• Obutaka</li><li>• Emizizo</li></ul>	1 1 1 1	1 1 1 1	1 1 1 1	3 3 3 3
--	-------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------------	------------------	------------------	------------------	------------------

SAMPLE